Ecolebooks.com

**335/1**
**LUGANDA**
**PAPER 1**
**2 HOURS**

# Uganda Certificate of Education
## PRE-REGISTRATION EXAMINATIONS 2016
## LUGANDA
## OLUPAPULA OLUSOOKA
## ESSAWA BBIRI (2)

**EBIRAGIRO**
Kola nga bw'olagiddwa ku buli kitundu.

1. a) Ku mitwe gino wammanga, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400.
i) Mwogezzabboggo ensawo ye aligyambalira.

ii) Okulondera omwana omuntu ow'okuwasa oba okufumbirwa tekikyetaagisa kubaganya ebirowoozo.

iii) Enguzi lumbe lwa kubiri

iv) Ebisaanyizo by'olulimi lw'eggwanga.

b) Londako emitwe ebiri okuva ku gino wammanga owandiike ebigambo nga 200.
i) Weeteeke mu kifo ky'omukungu akulira ekitongole ekikola ku kusitula embeera z'abantu owandiike bye wandyogedde eri abantu ng'obalaga ebirungi ebiri mu kuyigiriza abantu abakulu okusoma n'okuwandiika abataafuna mukisa kugenda mu ssomero.

ii) Weefuule Nnaabagereka w'a Buganda okunge abantu balwanyise obulwadde buno: Omusujja ogwomulubuto (Typhoid) no bw'okutonnya (Fistula) mu bakyala. Wandiika ebinaafulumira mu Bukedde.

iii) Oli omu kubayizi ataakomawo mu ssomero lye walimu owandiikire banno be waleka mu ssomero lye wasookeramu ebbaluwa.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

iv) Weeteeke mu kifo ky'omukulu akuuma empisa ku kyalo kyammwe owandiikire Minisita akola ku kukwasisa empisa ng'omwemulugunyiza ku nguzi ekudde ejjembe mu kitundu kyammwe.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

2. a) Funza ekitundu kino mu bigamba nga 120.

Ennyama yali ku buseere nnyo mu butale bwonna obuli mu Kampala n'emiriraano mu biseera bya sekukkulu. Kkiro emu bw'eti yali ku nnusu 8000/-. Bakaggwensonyi abamu bagitundanga 10,000/-. Ssekitooleko abeera e Kibuye mu Kyadondo bwe yatuuka ku mudaala n'abalaabalamu mu ssente zeyalina ng'alaba tezimuyisaamu, ennyama yagivaako bukumbu ng'alaba taasobole kugula eyo eyandisobodde okubunya ab'omu maka ge abawerera ddala ekkumi n'ababiri. Ate nno olwo nga totaddeeko banoo baŋŋenze Ssekukkulu kugiriira wa Ssekitooleko ate nga be baali bajja n'okusinga obungi.

Bwe yaddayo eka, ensonga n'azibuulira mukazi we Nakibirango. Nakibirango ne Ssekitooleko baateesanga bulungi ku by'amaka gaabwe era ku mulundi guno bwe kyali. Baateesa bamale galya nsanyuse n'eddigobe lyabwe nti kasita olunaku lumu baleme kugwa ku mabanja.

Ku ssekukkulu ekinu kyali ku mulimu gwa maanyi mu maka ga ssekitooleeko anti olwo basekula ebinyeebwa Nakibirango bye yeetema okufumba bisinge n'enkoko okuwooma. Baasekula ab'omuliraano bwe beewuunya n'okusunga ssekitooleeko mbu sso musajja wa nkula ki aliisa ab'ewuwe omunyeebwa ku ssekukkulu ate nga bwe basaasira Nakibirango n'abamu okumuyita omusiru nti sso omukazi wa wa agumiikiriza okufumba mu maka we batagula nnyama ku Ssekukulu ye nno abangi bwe bakwebaza nga luweze.

Ekyemisana, baakirya bulungi era mu ssaawa ez'akawungeezi ssekitooleeko yasalawo okwemalako ettulawamu ne yeewungulako n'agenda mu bbaala eri ekinnya n'empindi n'eewuwe era eriraanye buno obutale bwe baakazaako erya tonninnyiramukange, mwe batunda buli kijjulo ky'oyinza okulowoozaako. Musajja wattu bwe yatuuka we baali batunda ebigere by'ente ebyali bikubiddwa ekijiiko okukamala eyali atunda bye yali ayimbirira mbu okubirya tojulira Sheraton ate nga n'akawoowo kamala okubyogerera; yabula okuggwa amalusu mu kamwa anti alwo ng'amira muganda.

Yasooka n'amagaamaga. Bweyalaba nga tewali amumanyi, ne yeevaamu ne yeegulirayo essowaani y'ebigere nga bamuteereddeko n'ekitole ky'ettooke olwo n'adda ku bbali yeggweere.

Abantu abazunza eŋŋambo babi nnyo kubanga ne Ssekitooleko baamukola eky'omulokole(ekigambo). Yali akyabwamye akuba ennoga eno nga

bwagajambula ekigere, n'awulira eddoboozi lya Nakibirango ng'amugamba nti "ee ggwe bw'oba olya toyita banno?"

Ssekitooleko eyali amaze okubatika ekitundu ky'eggumba lye yali agajambulako ennyama, yabbulula amaaso okutunuulira mukazi we, ng'eno bw'asaba ettaka limumire. Wano Nakibirango we yabuukira be ccopa, n'akkakkana ku bba n'amunyiga amatama nga bw'akuba enduulu eyasomboola ab'ebuule n'e Bweya era nga bw'aleekeeza nti 'Mujje munnyambe nkutte akisajja ekibbi' Ensi yeekuluumulula okulaba ejjano. Nakibirango yayomba nakunakkuna, abasajja bonna n'abagatta wamu nga bw'agamba nti, "Abasajja baasiriwala ne badda ne mu kati. Osobola otya okuliisa abaana bo ne mukazi wo n'abagenyi ebinyeebwa ku ssekukkulu ggwe ne weemulula n'ojja obwabwagala ku munyama obwomu n'oluvannyuma okomewo weesaanye!' Nkugambye omukazi by'ataayogera nga munsi tebiriiyo. Ssekitooleko yakanda kwennyonnyolako ng'omukazi si y'amuganya okwogera.

Ebbula ly'ensimbi eririwo ndimanyi olw'emmeeme entono alina n'obuliirize Mmunenya mmuddiramu. Wabula lwaki omukazi y'alinoonyezza emiroboli ku bba ng'agenda amulondoola gy'alaze? Lwaki?

**OBA**

2. b) Ekituundu kino kikyuse mu Luganda.

Let me allow Mr. Nsimbi to speak for himself about his life and experience as a teacher and inspector of Schools.

"My interest in Luganda must have been acquired from my aunt the late Veronica Nanziri. 'She always impressed me as a clear speaker of the Luganda language…' I do not think I have as yet another person who speaks Luganda as clearly and as meaningful as she did….."she always managed to make her points either through the usage of proverbs, or idioms.' I have dedicated my book on proverbs *Siwa Muto Lugero* to the memory of this beloved aunt.

"It is difficult to compare standards of education in my school days with standards in schools today…..May be we did not cover as much ground as students today are to but during our time, there was no fooling around. It was always work, work, work…….."

"Teachers still made use of the stick and this drove us to work extremely hard." I do not regret having gone through this type of schooling. It taught many of us to live disciplined lives and to acquire sense of responsibility." I

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

think there is too much freedom in our schools today. I agree the old harsh system had to change with time but I think it would have been better if the change was more gradual. I am opposed to the view which encourages school children to dictate each and everything that is done at school. Children are children and they should be helped to learn how to respect their elders. They should be helped to distinguish the right from the wrong".

"1 personally believe that if we believe in African personality, then the vernaculars must have a place in our system of Education. No community without a language can really have a distinct personality. I am of the opinion that two or three vernaculars should survive". That's what he replied when asked about the place of the vernaculars in the system of Education.

***(Extracted from: the teacher, a Magazine of current ideas for Uganda Schools, April, 1966. The article was written by Enoka H. Rukare).***

3. a) Jjuzaamu ebisoko ebisaaniramu. (20 marks)

i) Abo ennaku zino omukwano gubasaza mu..................era baagalana nnyo.

ii) Omukazi mukakitange bwe twamuloopye ate ekizimba kyasambye busambi ..... era n'ayongera okutulugunya.

iii) Omukadde oyo wabula mponga...................... anti talina wadde ssente n'emu.

iv) singa tebwabadde budde kundiira .............. nabadde njakuta akaka bampulire.

v) Abasajja baabadde bakongozze omulangira........era ne balwana okukkakkana ng'omu eriiso mmye.

vi) Mulirwana omuti gumugwiridde era bamututte obugere buwala.....

vii) Obufumbo bwa muwala we bw'alemagana anti omusajja gwe yali afumbiddwa .....................yali yamutomera.

viii) Omusajja oyo buli gy'akola bamwemulugunyiza nti alimu ............empanvu anti mubbi.

ix) Omwana yalutuviiridde ku...... n'attottola engeri gye baamuwambamu.

ix) Obwedda bamubuuza gye yatadde ssente ng'ayanjala ......................ng'omuwabutwa asigadde awali omulwadde.

3. b) (10marks)
i) Ebikolwa bino bifuule nnakongezalinnya. (2 marks)
- Sirika
- Bba

ii) Ebikolwa bino biwandiike mu kawakatirwa akeekola. (2 marks)
- Yimba
- - Zzannya

iii) Amannya gano gateeke mu mbu mwe gagwa. (6 marks)
- Kikopo
- Olweyo
- Bitabo
- Bwino
- Muchungwa
- Gucungwa

***BIKOMYE***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM